# Obubaka bw'Omukuŋŋaanya




Mbalamusizza nnyo abantu ba Katonda mwenna!

Ku Lwomukaaga, nga 17 Augusto 2024, Omwepisikoopi waffe Lawrence Mukasa yawa Abadyakoni basatu Obusaserdooti. Mu mwezi gwe gumu, Bishop yalangirira Butalangu, nga Parish empya, mu Ssaza lyaffe. Nga Essaza, twongera kunnyikira mu kukkiriza anti: obuweereza bwongera kutusemberera naddala Parish nga eyo nga etondeddwaawo; nga kw'otadde n'okufuna Bafaaza. Naffe nno, nga Abakkiriza, tulina kwongera nnyo maanyi mu kuyambako, mu kunyweza okukkiriza kwaffe.

Ensonga eyo gyefumiitirizeeko. Ebyo byonna n'ebirala ebikoze amawulire mu mwezi oguwedde ogwa Augusto by'ogenda okusomako mu katako kaffe kano 'KASANA' ak'Amawulire g'Essaza aka buli mwezi.

Nkwagaliza okukasoma obulungi.

***N.B: Bw'oba olina ensonga yonna ekwata ku katabo kano, ntuukirira ku ndagiriro eno wammanga:***




**Munnamawulire w'Essaza lya Kasana-Luweero**
Phone contact [s] 0773-058-220/ 0701-399-026¬
Email: bernardbakalu@gmail.com



# Parish y'e Butalangu etondeddwaawo

Ku Sunday nga 3 Augusto 2024, Omwepiskoopi w'Essaza lya Kasana - Luweero Lawrence Mukasa yalangirira nga Ekisomesa kya St. Joseph Butalangu bw'akifudde Parish. Yasinziira ku mukolo nga Parish y'e Kiwoko ejaguza olunaku lwaayo.

Ekijaguzo ekyo kyaddirira ennaku nnya Bishop L. Mukasa ze yakulungula nga alambula Parish eyo erimu Ebisomesa 21, okugeza: St. Joseph Kyampisi, St. Joseph Butalangu, St. Yuda Tadeo Kagango n'ebirala.

"Butalangu kati egenda kufuuka Parish eyetongodde, namazze dda Bwanamukulu wa Kiwoko (Fr. John Lukwago) nga ali wamu ne Pastoral Coordinator (Fr. Denis Ssebuggwaawo), okukakasa nga bakola ku buli ekyetaagisa kisobozese Parish eyo okutandika okuweereza nga 1 September," bwe yagamba bwatyo.

Oluvannyuma lwa Parish eno okutondebwaawo, kati Essaza lirina Parishes 22. Endala, eno z'esanzeewo, ze zino na buli emu omwaka mwe yatandikibwaawo: Nandere (1899), Mulajje (1914), Kijaguzo (1937), Nakasongola (1940), Kasaala (1945), Katikamu (1964), Nattyoole (1967), Namaliga (1981)
Nakaseke (1988), Kikyuusa (1996), Kasana Cathedral Parish (1997), Ziroobwe (1998), Kakooge (1999), Ngoma (2000), Kapeeka (2005), Migyeera (2007), Kiwoko (2012), Kalule (2017), Kannyanda (2021), Kamira (2022), Katuugo (2022).

# Essaza lifunye Bafaaza basatu



Ku Lwomukaaga nga 17 Augusto 2024, Essaza lya Kasana-Luweero lyaafuna Abasaserdooti abaggya basatu.
Beebano wammanga: Rev. Frs. Christopher Kibuuka, Charles Lwanga Mutyaba ne Lawrence Kawagga.

***Rev. Fr. Lawrence Kawagga***



***Rev. Fr. Kibuuka Christopher***



### *Rev. Fr. Mutyaba Charles Lwanga*

Omukolo Abadyakoni bonsatule kwe bafuukira Abasaserdooti gwaali ku Lutikko y'e Kasana nga era Omwepisikoopi w'Essaza Lawrence Mukasa ye yagukola.

Ku mukolo gwe gumu, yalinyisa Omuseminario om uku ddaala ly'Obudyakoni nga ye Dn. Bruno Sserunkuuma.

### *Dn. Bruno Sserunkuuma*

Bwe yali ayigiriza, Bishop L. Mukasa, yennyamira olw'amasabo ageeyongera mu kitundu kino, n'ategeeza: nga bwe kyoleka okukkiriza nga bwe kugenda kukendeera.

Bwe yatuuka ku bagole, yabategeeza nti: omulimu gwe bazze okukola, gwa kutukuza balala.

"Muteekwa okubeerangawo n'akadde ak'okwebuulirira, ak'okwejjukiza, ak'okwefumiitiriza, ak'okwezza obuggya. Kibi nnyo ggwe alondeddwa okulambika abalala, ate okubeera nti ggwe gwe bajjukiza nti Faaza okoze bubi. Faaza talimba, Faaza tayogera bw'atyo," bwe yabakuutira bw'atyo.

"Tubaanirizza nnyo abagole," bwe yabagamba bw'atyo.

Mu Missa y'emu, yawa Abaseminario 10 Emiruka egisooka.

Oluvannyuma lwa Missa Bishop L. Mukasa abagole yabagaba bwati:

Rev. Fr. Christopher Kibuuka yamusindika mu Kigo ky'e Nattyoole nga omuyambi wa Bwanamukulu, ate ye Fr. Charles Lwanga Mutyaba mu Kigo ky'e Kijaguzo nga omuyambi wa Bwanamukulu.

Owookusatu, nga ye Fr. Lawrence Kawagg,a yamusindika mu Kigo ky'e Katikamu nga omuyambi wa Bwanamukulu.

Mu ngeri y'emu, Bishop L. Mukasa yaweereza Rev. Fr.John Chrysostom Katamba, eyali amaze ebbanga nga ali mu Ggwanga ly'America, mu St. Kizito Minor Seminary e Nandere nga omugunjuzi, nga asomesa Lulatini.Teyakoma okwo: Fr. J. C. Katamba, yamuwa n'obuvunaanyizibwa obw'okuyamba ku Rev. Fr. John Mary Mpoza mu wofiisi y'Essaza ey'Ebyempuliziganya.



### Missa nga ewedde

Rev. Fr. Godfrey Sserulangira, akulira eby'Okuyitibwa okwenjawulo (Vocations Director) mu Ssaza, yategeeza nti: Omwaka guno Essaza liwadde Abaseminario 17 Emiruka; nga ku mukolo guno 10 be baafunye, ate omusanvu bo baali baagifunira mu Kulamaga okwaliwo e Waluleeta ku lwa nga 21 July 2024.

Ye Ssaabakristu w'Essaza, Mw. Ronald Ssemakula, yeebaza Omwepisikoopi olw'enkola y'okuwa Ebitongole obuvunaanyizibwa okutegekaanga emikolo, n'agamba nti: ya kuyamba nnyo.

Hon. Robert Ssekitooleko, nga ye Mubaka wa Bamunanika mu Paalamenti, nga ye yayogera ku lwa Bannabyabufuzi, yeebaza Omusumba: "Obugole bwo, butulambise bulungi, era otulambise bulungi okubeera abeensimbu ku ttaka."

Rev. Fr. Christopher Kibuuka, nga ye yayogera ku lw'Abagole banne, yasooka kutegeeza nti kw'olwo era ge gaali Amazaalibwa ga Deacon Bruno Sserunkuuma.

**Yeebaza era n'awera ku lwa banne**

"Twebaza Bishop (Lawrence Mukasa) atuwadde Esakramentu lya Ordiini, ate era tukusuubiza obuwulize."

Ate ye Kayungirizi w'emirimu gy'Obutume mu Ssaza (Pastoral Coordinator), Rev. Fr. Denis Ssebuggwawo, yasinziira ku mukolo gwe gumu ne yeebaza Abaami olw'okuteekateeka obulungi Okulamaga kw'e Waluleeta okwaliwo ku Sunday nga 21 July 2024. "Abakyala bangi abaagenda e Waluleeta okulaba oba mumanyi okuyimba, naye mw'abakakasa," bwe yategeeza bwatyo.

Vicar General, Msgr. Francis Xavier Mpanga yagamba nti: "Abagole baffe, eno tubalinze tutandike emirimu."

# *Okuwa Obusaserdooti n'Obudyakoni mu bifaananyi*



*Ennyiriri okwolekera Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti ku Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Ennyiriri okwolekera Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti ku Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Abadyakoni abasatu ne bazadde baabwe mu nnyiriri okwolekera Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti ku Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024. Akulembedde ye Dn. Charles Lwanga Mutyaba n'Abazadde, azzeeko ye Dn. Lawrence Kawagga n'Abazadde ate asembye emabega ye Dn. Christopher Kibuuka n'Abazadde.*



*Bishop L. Mukasa n'Abasaserdooti mu nnyiriri okwolekera Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti ku Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Rev. Fr. Tonny Nsumba Lyazi nga akola ogw'obwanjuzi (MC) mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Abakkiriza mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusa-serdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Abayimbi (Choir) mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa mu Ntebe ye, mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Basisita mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga nga Augusto 17, 2024.*



*Abakkiriza mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga ayigiriza mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Rev. Fr. Godfrey Sserulangira (Vocations Director), mu Ssaza lya Kasana-Luweero, nga asoma amannya g'Abagole mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Abamu ku Basaserdooti mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



Bishop L. Mukasa nga awa Abaseminario Emiruka, Egisooka, mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Abaseminario nga baweebwa Emiruka, Egisooka, mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Omuseminario Bruno Sserunkuuma nga awerekerwaako bakadde be okwolekera Altar okuweebwa Obudyakoni mu, Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024. Amulaga aw'okuyita ye Rev. Fr. Dr. Lawrence K. Kimbowa.



Abazadde b'Omuseminario Bruno Sserunkuuma nga bawaayo omwana wabwe eri Bishop L. Mukasa, mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Abadyakoni okuva ku kkono: Christopher Kibuuka, Lawrence Kawagga ne Charles Lwanga Mutyaba, mu Missa y'okuwa Obusaserdooti n'Obudyakoni mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Bishop L. Mukasa nga awa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



*Okuva ku kkono: Sem. Bruno Sserunkuuma, Dn. Charles Lwanga Mutyaba, Dn. Lawrence Kawagga ne Dn. Christopher Kibuuka nga bafukamidde mu maaso ga Bishop L. Mukasa, mu Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Omuseminario Bruno Sserunkuuma nga atadde engalo ze mu bibatu bya Bishop Lawrence Mukasa okubeera omuwulize gy'ali n'okumussaamu ekitiibwa, ye n'abo abalimuddirira, nga tannamuwa Budyakoni, mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga akutte engalo z'Omudyakoni Lawrence Kawagga nga amulayiza okubeera omuwulize gy'ali, n'okumussaamu ekitiibwa, ye n'abo abalimuddirira, mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga akola ekintu kyekimu ku Mudyakoni Christopher Kibuuka nga bw'akoze ku Mudyakoni Lawrence Kawagga (waggulu) mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Abadyakoni abasatu: Christopher Kibuuka, Lawrence Kawagga ne Charles Lwanga Mutyaba, wamu n'Omuseminario Bruno Sserunkuuma, nga beeyaze wansi mu Missa y'okuwa Obusaserdooti n'Obudyakoni mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga akwaasa Omudyakoni omugole Bruno Sserunkuuma Ekitabo kye Vangili, mu Missa mwe yamuweera Obudyakoni mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga ayozaayoza Omudyakoni Omugole, Bruno Sserunkuuma oluvannyuma lw'okumuwa Obudyakoni mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga aliko akaama k'akuba Omudyakoni Omugole, Bruno Sserunkuuma wakati mu kumuyozaayoza, oluvannyuma lw'okumuwa Obudyakoni mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bafaaza nga bassa emikono ku Badyakoni Christopher Kibuuka, Lawrence Kawagga ne Charles Lwanga Mutyaba, nga bagenda okufuna Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bafaaza nga bassa emikono ku Badyakoni Christopher Kibuuka, Lawrence Kawagga ne Charles Lwanga Mutyaba nga bagenda okufuna Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga asiiga Omusaserdooti Omuggya, Fr. Lawrence Kawagga omuzigo mu ngalo mu Missa, nga akola omukolo gw'okumuwa Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga asiiga Omusaserdooti Omuggya, Fr. Charles Lwanga Mutyaba omuzigo mu ngalo mu Missa, nga akola omukolo gw'okumuwa Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.*



Bishop L. Mukasa nga asiiga Omusaserdooti Omuggya, Fr. Christopher Kibuuka omuzigo mu ngalo mu Missa nga akola omukolo gw'okumuwa Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Oluvannyuma lw'Okufuuka Abasaserdooti, bonsatule, okuva ku ddy: Frs. Charles Lwanga Mutyaba, Lawrence Kawagga ne Christopher Kibuuka nga bawa Bishop L. Mukasa omukisa, mu Missa, mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Oluvannyuma lw'Okufuuka Abasaserdooti, bonsatule okuva ku ddyo: Frs. Charles Lwanga Mutyaba, Lawrence Kawagga ne Christopher Kibuuka nga bawa Abakkiriza omukisa mu Missa mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024.



Rev. Fr. Christopher Kibuuka nga ayogera ku lwa bagole banne: Frs. Charles Lwanga Mutyaba (asooka ku ddyo), Lawrence Kawagga (addiridde Fr. C. Kibuuka ku ddyo we) ne Dn. Bruno Sserunkuuma asooka ku kkono, oluvannyuma lwa Missa mu Lutikko e Kasana, ku Lwomukaaga nga Augusto 17, 2024.



Omubaka wa Bamunanika mu Paalamenti, Robert Ssekitooleko, nga ayogera ku lwa Bannabyabufuzi abaaliwo, oluvannyuma lwa Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti, mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga, Augusto 17, 2024. Amuddiridde ye Hon. Erasto Kibirango Ssentebe wa Disitulikiti y'e Luweero ne Hon. Brenda Nabukenya, Omubaka Omukyala owa Disitulikiti y'e Luweero mu Paalamenti.



Ssaabakristu w'Essaza lya Kasana-Luweero, Mw. Ronald Ssemakula, nga ayogerako eri Abakkiriza abaaliwo ku mukolo gw'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana, ku Lwomukaaga nga Augusto 17, 2024. Amuliraanye ye mukyala we.



Rev. Fr. Denis Ssebuggwaawo (Kayungirizi w'Emirimu gy'Obutume mu Ssaza lya Kasana-Luweero (Pastoral Coordinator) era nga ye Mukulu w'Ekifo kya Kasana Lutikko, nga ayogerako eri Abakkiriza, oluvannyuma lwa Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga nga Augusto 17, 2024.



Vicar General w'Essaza lya Kasana-Luweero, Msgr. Francis X. Mpanga, nga ayogerako eri Abakkiriza, oluvannyuma lwa Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga nga Augusto 17, 2024.



Bishop L. Mukasa mu kifaananyi ekyawamu ne Bafaaza abagole, Omudyakoni, n'abamu ku Basaserdooti abalala, oluvannyuma lwa Missa y'okuwa Obudyakoni n'Obusaserdooti mu Lutikko e Kasana ku Lwomukaaga nga Augusto 17, 2024.

# Ew'Okulamaga wakyuusiddwa

Enteekateeka z'Okulamaga mu Nsi entukuvu ,okubadde kutegekebwa Essaza, kukyuseemu nga kati Abalamazi baakwolekera Roma, Italy.

Kino kyalangiriddwa Rev. Fr. Denis Ssebuggwaawo, Kayungirizi w'Emirmu gy'Obutume mu Ssaza.

Yabyogerera mu Lutikko y'e Kasana ku mukolo gw'okuwa Obusaserdooti n'Obudyakoni ku Lwomukaaga nga 17 Augusto 2024.

"We tutuuse olw'olw'olutalo oluwulirwa mu bitundu bya Gaza, tetugenda kulamaga eyo mu Yisirayiri, kati tugenda Roma," bwe yategeeza bw'atyo.

Fr. D. Ssebuggwaawo yategeeza nti Abalamazi abaakafuna Paasipooti baali baweze 190.




*Ekipande ekyaali kiranga okulamaga mu nsi entukuvu.*




*Ekipande ekipya ekyogera ku kulamaga e Roma.*

# Bammemba ba 'Women's Guild' basisinkanye Omwepisikoopi

Ku Lwokutaano nga 30 Augusto, 2024, Abakyala abeegattira mu kibiina kya 'Catholic Women's Guild' eky'Essaza lya Kasana-Luweero lwe basooka okusisinkana Omwepisikoopi w'Essaza, Lawrence Mukasa bukyanga atuuzibwa ku Ntebe eyo, ku mukolo ogwaaliwo ku Lwomukaaga nga 5 Augusto 2023.

Ensisinkano eyo yali ku Pope John Paul II Pastoral Center (PJPIIPC).

Ensisinkano eyo era lwe lwaali Olukiiko

lwaabwe olw'omwaka (Annual General Meeting).
Mky. Betty Takuwa (Omuwanika), nga ye yakiikirira Ssentebe waabwe Mky. Jacent Katende, yategeeza nti: bateekateeka okubala abakyala bonna mu Ssaza mu nkola eyitibwa 'Census'.

Yategeeza nti: ensawo yaabwe we bamaliddeko omwaka bukyanga balayizibwa ku bukulembeze ku mukolo ogwaaliwo nga 5 Augusto 2023, erimu obukadde bwa siriingi za kuno mukaaga mu emitwaalo 40. (6.4m).

Yasaba Omusumba L. Mukasa abafunireyo ekifo ekisobola okukola nga wofiisi yaabwe. Mu ngeri y'emu, yasaba Omwepisikoopi abafunireyo ne ku ntambula ey'emmotoka, ebayambeengako mu buweereza bwaabwe.

Ate ye Kayungirizi w'emirimu mu Kitongole ekyo ekya 'Catholic Women's Guild' mu Ssaza, Mky. Florence Nassanga Musoke, yayanjula nga bwe waliwo enteekateeka eyali evude mu Bbanka ya Centenary nga egendereddwaamu kukulaakulanya bakyala.

Enkola eyo yategeeza nti yatuumibwa 'Grow Loan Project'.

Yategeeza nti baali bategese n'Omusomo okusooka okubangula abakyala ku nkola eyo.

"Kasana-Luweero Diocese ne Centenary Bank bayita abakyala mu musomo gw'Abakyala ogwa 'Grow Loan Project'. Omusomo guno gugendereddwamu okutumbula abakyala abasuubuzi ku buli mutendera nga baweebwa amagezi ag'omuwendo ku kufuna looni, okutumbula enkulaakulana ya bizinensi, n'obuwanguzi mu by'ensimbi; awamu n'ebirala ebikwata ku Banka yaffe," Ekirango ku musomo bwe kyali kisoma bwe kityo.

Kyategeezebwa nti omusomo ogwo gwa kubeera Fatima Hall e Kasana, ku
Lwokuna nga 5 September 2024.

Bwe yali ayogerako eri abakyala mu nsisikano mu Pastoral Center [PJPIIPC], Bishop L. Mukasa yabategeeza nti Chaplain waabwe Rev. Fr.Augustine Mpagi yali mulwadde era n'atasobola kubeerawo.

"Chaplain wammwe mulwadde, era ali ku kitanda e Lubaga," bwe yabategeeza bw'atyo.

"Mumusabireko kubanga guno omwaka ogutandika agenda kujaguza emyaka 50 mu Busaserdooti,"

Ku nsonga y'okutambuza obulungi Ekitongole kya 'Catholic Women's Guild', Bishop L. Mukasa yennyamira bwe yategeeza nti:"Okwerumaaluma mu kibiina ky'abakyala nga kususse; tubitereeze, omukisa Florence (Nassanga Musoke) gwayogeddeko guleme kutusuba."

Yagattako nti: "Abakyala, mukimanye nti buli omu yetaaga munne."

"Abakyala be mukulembera, mmwe mulina okubalowooleza: Florence, kulembera abakyala obatwale mu Bbanka basobole okwettanira enteekateeka eyo," bwe y'asaba bwatyo.



*Bishop L. Mukasa nga ayogerera mu nsisinkano n'Abakyala ku PJPIIPC, Augusto 30, 2024. Ku ddyo we, ye mukyala Florence Nassanga Musoke Coordinator Women's Guild.*



*Bishop L. Mukasa nga aliko ensonga gyakkaatiriza mu nsisinkano n'Abakyala ku PJPIIPC, Augusto 30, 2024.*



*Mky. Betty Takuwa Ssentongo, Omuwanika wa Women's Guild, nga ayogerera mu nsisinkano gye baalimu ne Bishop L. Mukasa ku PJPIIPC, Augusto 30, 2024. Ku kkono we, ye mukyala Florence Nassanga Musoke, Coordinator Women's Guild.*



*Bishop L. Mukasa n'Abakyala ba 'Catholic Women's Guild' mu kifaanayi eky'awamu ku PJPIIPC oluvannyuma lw'olukiiko Augusto 30, 2024.*


# Bawezezza emyaka 45 mu Busaserdooti

Ku Monday nga 26 Augusto 2024, Abasaserdooti basatu mu Ssaza lya Kasana-Luweero baaweza emyaka 45 mu Busaserdooti.

Abajaguza abo be bano: Rev. Frs. Simon Peter Ssessanga (Aweerereza mu Katikamu Parish), Matthias Ssennyange (Aweerereza mu Katikamu Parish) ne Joseph Mary Ssekalegga (Akulira Ebyenjigiriza mu Ssaza) nga era (Aweerereza mu Kasana Cathedral Parish).

Nga oggyeeko abajaguza abasatu mu Ssaza lya Kasana-Luweero, era baajaguza ne bannaabwe abalala basatu okuva mu Masaza amalala nga be bano: Frs. Vincent Mulumba, Charles Lwanga Ssewava ne Joseph Mukasa Nkeera.

Akawungeezi ka Sunday nga 25 Augusto 2024, Fr. J.M. Ssekalegga yateeka obubaka ku mukutu gwa Whatsapp ogw'Abakozi b'Essaza ogwa Kasana-Luweero Diocese Staff Association (KALUDISA) nga bwe buno wammanga:




*Eno ye 'Screenshot' y'Obubaka obwava ewa Rev. Fr. John Mary Ssekalegga nga asaba abakozi b'Essaza okusabira abajaguza, Augusto 25, 2024.*



*Fr Joseph Mary Ssekalegga*



*Fr. Matthias Ssennyange*



*Fr. Simon Peter Ssessanga*

# Yeetabye mu gy'okulwanyisa Kansa

Ku Sunday nga 25 Augusto, abaddusi, okwetoloola Eggwanga, beetaba mu misinde egigendereddwaamu okusonda ensimbi z'okuzimba ekifo awajjanjabirwa abalwadde ba 'Cancer' [Kansa] ku ddwaliro e Nsambya.

Emisinde egyo gyaakazibwaako lya 'Rotary Cancer Run' nga gibeerawo omulundi gumu buli mwaka.

Kw'olwo gyaali gya mulundi gwa 13.

Emisinde egyo, gitegekebwa Ekitongole kya 'Rotary Uganda'.

Pulojekiti y'okuzimba ekifo ekyo ku ddwaliro e Nsambya esuubirwa kuggwa mu 2027.

Emisinde gy'omwaka guno, gyaasimbuddwa ku kifo lya Bannamakolero e Lugogo mu kibuga Kampala (UMA Grounds, Lugogo-Kampala).

Abaddusi baali mu biti ebyenjawulo, nga mulimu abaatolontoka kilomita 5, 10 ne 21.

Abaddusi abeetabamu baasoba mu mitwaalo etaano; nga era kyategeezebwa nti obuwumbi bwa siriingi za kuno obusoba mu bubiri mu obukadde 500 ze zaakungaanyizibwa.

Centenary Bank nga emu ku bavujjirizi yawaayo obukadde 300.

Kw'olwo e Kasana-Luweero, Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa naye yagyetabamu. Ye yasiimbula abaddusi abaakungaanira mu kibaangirizi kya Centenary Bank, ettabi erisangibwa e Wobulenzi.

Yeebaza Banna-Rotary olw'enteekateeka eno.




*Bishop L. Mukasa nga asimbula abaddusi e Wobulenzi, mu kibangirizi kya Centenary Bank, Augusto 25, 2024.*



*Abamu ku baddusi abaasimbulwa Bishop L. Mukasa nga batolontoka, Augusto 25, 2024.*

# Ab’e Nandere bategese ekijjulo okusonderako ez’Ekijaguzo

Ekijjulo kitegekeddwa aba Parish y’e Nandere okusonderako ensimbi ze betaaga okuteekateeka Ekijaguzo eky’emyaka 125 bukyanga Kigo ekyo kibaangibwaawo.

Ekijjulo ekyo kyakubeerawo ku Sunday nga 6 October 2024 mu Parish Gardens ku ssaawa kkumi ez’olweggulo. Mu kusooka Ekijjulo ekyo kyali kitegekeddwa ku Sunday nga 15 September 2024 nga era Card eziyita abantu zaali ziweerezeddwa, wabula olw’ensonga y’okuzza Abayizi ku Ssomero olunaku ne lukyuusibwa.

Kinajjukirwa nti Ekigo ky’e Nandere, ekiyitibwa “Our Lady of Grace Nandere Parish”, kyatandikibwaawo mu 1899. Ekijaguzo eky’emyaka 125 kyakubeerawo nga 8 December 2024.




*Card eyita abantu ku kijjulo nga bw’efaanana nga ennaku z’omwezi zikyuusiddwa.*




*Card eyita abantu ku kijjulo nga bwe yali efaanana mu kusooka.*

# Abavubuka muwagire bannammwe -Ssaabavubuka

Ssaabavubuka w'Essaza, Mw. Kaweesi Patrick, yakunze abavubuka okuwagiragana nga kino kye kijja okubayamba okugenda mu maaso.

Bino Mw. P. Kaweesi yabyogerera ku bikujjuko by'olunaku lw'Abavubuka mu Parish y'e Ngoma olwaliwo nga 29 July 2024.

"Nneebaza Chaplain w'Abavubuka mu Parish eno, Rev. Fr. Gideon Matovu awamu n'olukiiko lwo olw'Abavubuka, olw'enteekateeka ennungi ey'olunaku lwa leero," bwe yategeeza bw'atyo.

Yagenda mu maaso: "Nneebaza obuwagizi bwonna bwe mwawaddeyo nga buva mu Parishes ezenjawulo okuwagira Parish Youth Project mu Parish eno."

Ssaabavubuka, bwe yatuuka ku bavubuka, yagamba nti; "Nyongera okubajjukiza, era n'okubakubiriza okwetaba awamu, n'okuwagira bavubuka bannaffe, mu nteekateeka nga zino.

Kino kiyambako omuvubuka okunnyikira mu kukkiriza okw'omwoyo ate n'omubiri."



*Ssaabavubuka w'Essaza Mw. Kaweesi Patrick (asooka ku ddyo) nga ali n'abalala ku kijaguzo ky'olunaku lw'Abavubuka e Ngoma, July 29, 2024. Akutte akazindaalo ye Mky. Nakaye Teddy Ssabakristu wa Ngoma Parish ate era owa Nakaseke Deanary.*




*Abavubuka nga balaga ekipande ekyogera ku pulojekiti gye bateekateeka okukolako e Ngoma, July 29, 2024.*

# Okulamaga e Kankoole kuyimiriziddwa

Kaafuuka kalombolombo mu Ssaza nga buli lwa 15 Augusto, Biikira Maria lwe yatwalibwa mu Ggulu, wabeerawo okulamaga okwawamu e Kankoole-Kiwamirembe, ekifo ekyakwasibwa  Bikira Maria nga kisangibwa mu Parish y'e Kikyuusa. Wabula ku luno, tekwaaliwo.

Rev. Fr. Joseph Mike Miiro, nga ye Chaplain w'Ekifo ekyo, yategeeza nti olw'okuba waliwo emirimu gy'okuzimba ekifo ekyo egigenda mu maaso, okusabirayo kyali kyakuwa balamazi buzibu. Bino yabyogerera mu bakozi b'Essaza oluvannyuma lwa Missa yaabwe eyaliwo ku kitebe e Kasana, ku Lwokusatu nga 7 Augusto, 2024.

Fr. J.M. Miiro yagamba nti: Abakkiriza bonna baali baakusabira mu Parishes zaabwe.



*Ssaabasumba w'Essaza ekkulu erya Kampala Paul Ssemogerere nga ali ne Mw. Kizuula John alabirira olusozi, (waggulu ku kkono mu kifaananyi) mu kulambula faamu eri ku lusozi lw'e Kankoole nga 31 October 2020. Mu kiseera ekyo ye yali Omusumba wa Kasana-Luweero.*

# Bateekateeka kubala Baami bonna mu Ssaza

Enteekateeka z'okubala Abaami bonna mu Ssaza lya Kasana-Luweero, okusobola okumanya omuwendo gwaabwe, zaatandise.

Ssentebe w'Abaami mu Ssaza Mw. Ronald Kibira yasinziira mu lukiiko lwe yatuuza ku Parish y'e Katikamu, ku Lwokutaano nga 2 Augusto 2024, nga lwaali lwa kwekeneenya okulaba engeri Okulamaga e Waluleeta gye kwatambulamu ne yeebaza Abaami olw'okwenyigira mu nteekateeka zonna nga bwe zaali.

Kinajjukirwa nti Okulamaga kw'omulundi guno okw'Essaza, okwaliwo ku nga 21 July 2024 e Waluleeta, kwategekebwa Baami.

"Mwebale nnyo, ebitiibwa mwabissa bbali ne mwenyigira mu kuteekateeka Waluleeta," bwe yategeeza Abaami bw'atyo.

Yagenda mu maaso nti: "Bishop yabuuza nti, abantu bano bonna mwabakunga mutya?"

Kino yakyesigamya ku nnasiisi w'omuntu eyeeyiwa e Waluleeta.

"Twetaaga okukola olukala lw'Abaami, tumanye tuli bameka, ekyo kijja kutuyamba nnyo mu nteekateeka zonna eziri mu maaso nga zivunaanyizibwa kuffe Abaami," bwe yagamba bw'atyo.

Chaplain w'Abaami mu Ssaza, Rev. Fr. Achilles K. Ssemakula, ataaliwo mu lukiiko olwo olw'e Katikamu, obubaka bwe yabutikka Ssentebe. Mu bubaka obwo yategeeza nti: yali mitala wa mayanja, nga wabula ayagala kulaba nga Abaami babaako pulojekiti eyaawamu gye batandikawo, ebasobozese okukulaakulanya Ekitongole kyaabwe ekya 'Men's Guild".

Ate ye Pastoral Coordinator w'Essaza, Fr. Denis Ssebuggwaawo, yasinziira mu lukiiko lwe lumu n'agamba nti: "Bishop yasiima nnyo, mwebale!"

Yagenda mu maaso nti: "Nnange nasiima nnyo nti Abaami mwasobodde okuvaayo bwe muti. Dr. Kibira tumukubire mu ngalo, yatukolera omulimu."

"Mpozzi ekirala mu maka, Abaami mbasaba muddemu mweddize ebifo byammwe mu maka, Abakyala babayitako," bwe yabakuutira atyo.



*Dr. Ronald Kibira nga ayogerako eri Abaami e Katikamu, August 2, 2024.*

# Klezia eyagoyebwa kibuyaga ezziddwaawo

***Klezia ya Parish y'e Mulajje eyayonoonebwa kibuyaga yazziddwaawo.***

Enkuba eyalimu kibuyaga owamaanyi yatikkula oludda lw'akasolya ku Klezia eyo; nga, mu byafaayo, y'ey'okubiri mu bukadde mu Ssaza lya Kasana-Luweero.

Klezia eyo yatuumibwa Mary Mother of Divine Shepherd, Mulajje Parish.

Yazimbibwa mu 1914.

Yeddirira ey'e Nandere esinga zonna, kati 22, mu Ssaza lino obukulu, nga yazimbiwa mu 1899.

Enkuba eyayonoona ey'e Mulajje yatonnya ku ntandikwa y'omwezi gwa June 2024 nga teyaweza na ssaawa!.

Omuwandiisi w'Ekigo ekyo, muyite Executive Secretary, Mary Ainembabazi, yategeeza 'KASANA' nti yadde yatikkula ekitundu ku kasolya ka Klezia, naye kya mukisa nti terina muntu yenna gwe yakosa.

"Enkuba etandise ku ssaawa nga 10 n'eddakiika 15 ate bwe zibadde ziwera 10 n'eddakiika 50 n'ekya," bwe yategeeza bw'atyo.

Bwanamukulu w'Ekigo ky'e Mulajje, Rev. Fr. Dr. Gerald Wamala, yategeeza nti: Amabaati 60, ge baali babaze nga agonoonese, nga kw'otadde n'emirabba.

Bwe yabuuzibwa 'KASANA' wa we banaasabira, Fr. G. Wamala yagamba nti: "Olw'okuba Klezia yaffe nnene ate nga waliwo ekitundu ekitakoseddwa, tugenda kugyeyambisa nga bwe tuddaabiriza ekitundu ekyatikkulwa."

Era yategeeza nti: yali yasemba kuddaabirizibwa mu 1997.

Ssaabakristu wa Mulajje Parish, Mw. Andrew Lubega, yagamba nti embuyaga teyakoma awo wokka, era yagoya n'emisiri gy'ebirime egiwera; nga ebyaalo ebyakosebwa yagamba kwaliko eky'e Mulajje, Ndyalumu, Kyanika, Nalweweeta ne Kikaabya, n'ebirala. Ennyumba z'Abasawo, ez'Abasomesa, n'endala ez'Abatuuze, nazo nnyingi zaakosebwa.

***Oluvannyuma lw'embeera eyo, baababakana ne kaweefube w'okugiddaabiriza.***

Ssaabakristu, Mw.A. Lubega, yafulumya obubaka: "Eri abantu ba Katonda mwenna, ku lw'Omukulu, w'Ekifo Rev. Fr. Dr. Gerald Wamala, awamu n'Abakristu ba Mulajje Parish, ntwala omukisa guno, okubeebaza ennyo okutudduukirira nga tuddaabiriza Klezia yaffe, oluvannyuma lw'embuyaga okutikkulako oludda lw'akasolya."

Yagenda mu maaso nti: "Mwadduukirira nga Ebisomesa, Ebitongole ebyenjawulo omuli: Amasomero, Amalwaliro, Bassekinoomu, Abenzikkiriza ez'enjawulo n'emikwano gyaffe okuva e Bulaaya."

Okusinziira ku Mw. A. Lubega, Hon. Dr. John Chrysostom Muyingo, nga ono ye Minisita Omubeezi ow'Ebyenjigiriza mu Gavumenti Eyawakati, atwaala Ebyenjigiriza ebya waggulu, yawa ettoffali ddene ddala.

"Nnina essanyu okubategeeza nti omulimu gwagiddwako engalo, era gwawedde bulungi.

Akasolya konna kaddibwaamu kubanga buliti nnyingi zaali zaavunda, Amabaati agaayononeka twataddeko malala. Ekisenge kyonna ebweru kyasiigiddwa langi; era n'amasanyalaze, munda n'ebweru, gaatereezeddwa. Twataddeko engogo empya, ko ne ttanka y'amazzi ya liita 5000 emabega wa Sakristiya. Omusaalaba gw'okuwankaaki gwatekeddwako ettala era gwaaka ekiro," bwe yagattako bw'atyo.

Wammanga y'engeri Mw. A. Lubega gye yalambululamu engeri abantu n'Ebitongole gye badduukiriramu okuddabiriza Klezia:

### Wammanga y'engeri Mw. A. Lubega gye yalambululamu engeri abantu n'Ebitongole gye badduukiriramu okuddabiriza Klezia:

| | |
|---|---|
| ❖ Hon. Dr. J.C. Muyingo | 10,000,000/= |
| List 1 | 8,785,000/= |
| List 2 | 15,735,000/= |
| List 3 (Abayizi) | |
| ❖ St. Kalooli Lwanga S.S | 154,700/= |
| ❖ St. Bonaventure Mulajje Primary School | 59,000/= |
| ❖ Bamunanika Technical Institute-Mulajje | 100,000/= |
| List 4: Ssente okuva mu mikwano gyaffe egy'e Bulaaya | 25,000,000/= |
| **GRAND TOTAL** | **59,833,700/=** |



*Klezia y'e Mulajje nga bw'efaanana oluvannyuma lw'okugiddaabiriza, August 5, 2024.*



*Klezia y'e Mulajje nga bwe yali efaanana nga kibuyaga yakagyonoona, June 5, 2024.*


# Omusumba L. Mukasa awezezza omwaka mu Bwepisikoopi

Ku Monday nga 5 Augusto 2024, Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa lwe yaweza omwaka ku Ntebe y'Obwepisikoopi.
Kinajjukirwa nti Bishop L. Mukasa yatukuzibwa era n'Atuuzibwa ku Ntebe eyo ku Lwomukaaga nga 5 Augusto 2023.
Omukolo ogwo gwali ku Kitebe ky'Essaza e Kasana



*Ssaabasumba wa Kampala Paul Ssemogerere nga akwaasa Omusumba wa Kasana-Luweero, Omuggya, Lawrence Mukasa Omuggo gw'Obwepisikoopi, August 5, 2023.*

## Bishop L. Mukasa awezezza emyaka 40 mu Busaserdooti



*Mu buufu bwe bumu, mu buweereza bwe, Bishop L. Mukasa ku Bbalaza nga 24 June, 2024 lwe yaweza emyaka 40 mu Busaseredooti. Omukolo gw'okumuwa Obusaserdooti gwaali ku Kifo ky'e Mwera; nga era Bishop Emmanuel Wamala (Kati Kalidinaali) ye yamuwa Obusaserdooti (nga akyali Bishop wa Kiyinda-Mityana) nga 24.06.1984.*

# WESIGE MUKAMA EVENTS & digital studio



**We deal in:** Photo studio, Wedding party, Music System for hire, Video coverage, Chairs & Tents for hire, Computer CD cutting & Jet Car Wash & Service bay .




*Wesige Mukama Washing Bay & Digital Studio.*



*The Archbishop of Kampala Archdiocese, His Grace Paul Ssemogerere in a group photo with the management and staff of St. Cyprian High School, Kyabakadde after he commissioned the new multi-purpose building during the school's Silver Jubilee celebrations on 28th September 2023.*




*Wesige Mukama team covering a function at Luweero Diocese Guest House.*



*One of the photos taken by Wesige Mukama Professional Cameras during a wedding ceremony in Nakaseke District.*



*Photo taken by Wesige Mukama team during the 25th anniversary of Mazzolid College in Nakaseke District.*



*Another photo taken by Wesige Mukama Professional Photographers.*



*Teachers of St. Cyprian High School, Kyabakadde in a group photo, during the celebrations of the school's Silver Jubilee on 28th September 2023.*



*A photo taken by Wesige Mukama Professional Camera during one of the introduction ceremonies in Kagoma, Kampala.*

Find us opposite Petro Uganda along Kampala-Gulu Highway in Luweero town.

**Phone Contact: Managing Director** 0772-495-691/0772-477-620. **Email:** sebisubucharles@gmail.com